Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by Meli - 2007/08/31 17:05

Okuva mu nyimba eziyimbibwa okutuuka ku ono eyeyita senga wa baana eyatama edda, kirabika nti Buganda tekyalina bwenkanya nakulaba kyenkanyi abantu baayo bonna. KITALO NNYO!!!

Omukyala teweekubagiza olw'okuggwa ku mpagala

MBALAMUSIZZA bawala bange ne mbeebaza okwelabirira n'okwekuumira ku mulembe. Leero nzize kulabula abakyala naddala abali mu bufumbo abeekubagiza olw'okuba bagenda bakaddiwa, nga batya nti abawala abato bajja kubabbako abasajja. Kituufu abakyala abamu bwe bagenda bakula batandika okutya emyaka gyabwe. Abamu batuuka n'okugitoolako nga kye batayagala kwe kuyitibwa abakadde.

Omukyala okukweka emyaka tekiyamba kubanga era waliwo obubonero ku mubiri omusajja bw'asobola okumanyirako emyaka gy'olina.

Ekyandibadde ekikulu kwe kunoonyereza ebyo abawala abato bye balina ebisikiriza abasajja n'obyekwata. Okugeza balo bw'aba ayagala mabeere, eriryo lifubeeko wadde lyasowottoka. Lyambaze akaleega akalikwata obulungi lijja kumusikiriza. Amansonyinsonyi agali ku bawala abato n'obuloboozi bwabwe obw'ekito nabyo oluusi bisanyusa abasajja. N'olwekyo bwe mutuuka mu kitanda wadde wakala amaaso gezaako okussaamu ensonyi munno ajja kuyisibwa bulungi. Abawala abato era batera okubeera abafunda mu mbugo era omusajja bw'ayingira amunywereza ddala. Ggwe omukyala oyinza naawe okwefunza nga weemiima buli kiseera, okwewala okutuula nga weeyanjadde n'ebirala. Vva mu byokwekubagiza weefeeko munno omusanyuse.

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by chamu - 2007/08/31 18:09

Meli, omukazi bweyekubagiza olwokuggwa kumpagala, ekyo kikwatagana kitya n'obwenkanya bwa Buganda?

Tomanyi nanyini lupapula omufulumira "Senga"? Olupapupa olwo tomanyi nti ssi lwa Buganda?

Abayimbi b'enyimba obadde oyagala Buganda ebakolereki?

Topic yo eno sigitegedde bulungi.

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by Meli - 2007/08/31 18:31

Kati nga omukyala oyo ayogeera ku bakyaala okukaddiwa, abaami bbo tebakaddiwa? Ebiseera ebisinga abaami bawasa abakyala bebasinga ennyo obukulu, era bbo nebalaga mangu nti bakadde ku bakazi baabwe. Naye ebyo nga tabyogerako? Bbo nga tewali abawa magezi ngeri ki gyebayinza okusigaza omukwano gwa bakazi baabwe nga bavuganya nabaami abatoko?

Abayimbi bangi nnyo abayimba ebintu ebiraga nti abakazi ba wansi bakola gwa kweguya basajja nga profession. Engeri gyebiyimbibwa mu lulimi oluganda, ate mu Buganda, kitegeeza nti eno ye mbeera yaffe kakaano. Kale nga waliwo omwami eyayimba nti "Omukazi omulungi owempisa talemwa maka" Nga alinga agamba nti amaka gakolebwa mukazi yekka. Nti era buli ali ebweeru teyegaana, wa mpisa mbi. But it takes two!! Waliwo eyayimba abakwabuzi, nti abakazi bonna basiru nnyo bali ku mercy ya basajja okubabba nga bbo bwebabeera basiimye.

Bagamba nti Kabaka ye traditional leader, right? Well, eno tradition gyetwogerako. Ministry wa Culture e Mengo lwaki talina office e-censoring-a bintu biteekebwa mu lujjudde kuwulirwa bantu? Ensi endala zonna zirina! Lwaki abantu bano tewali abakomako, nebajjuza ebyekitumbavu byaabwe buli wamu?

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by chamu - 2007/08/31 19:32

Ogambye nti "Ensi endala zonna zirina!" minister wa culture. Kino Buganda kyekolako kati, okufuuka ensi esobola okukola kubintu byaayo ng'omwo mwotwalidde n'okucensoringa ebintu ebiteekebwa mu lujjudde. Nsuubira buli muganda kussaawa eno okuba ng'asobola kino okukiraba.

Buganda ogira olindako okugiwalampa. Kussaawa eno eri under occupation, sso nno ate nga yafuna dda obwetwaaze bwaayo nga 8 October 1962.

Waliwo ebintu bingi ebiruma Buganda. Ffe kyetuva tugamba nti Buganda asaanidde yekutuleko, esobole okukola kunsonga zaayo.

Omuntu bwabeera mukkomera osobola okumunenya nti lwaki talabirira baana be bulungi?

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by Meli - 2007/08/31 19:55

Chamu ssebo lwaki nga sigiwalampa? Olwo mpalampe ani? Atabala tabala kasita ali ku nsi ye? Nze Buganda nebwebeera under occupation eya magye ameka ga ssinziggu, abanjigiriza bangamba, nti esigala ekyali Buganda, era nange nga ndi muganda!! Nze mukutegeera kwange divorce lupapula bupapula, omutima guba gwasalawo dda, nga bwekiri ku nsonga ya Buganda leero. Kyenjogeerako, nti naffe tusobola okwekuma, era ekyo nekyongera amaanyi mu bumu bwaffe. Ffe nga tuli basobu ffenna, tuba tulina right ki okuyimiriira mu maaso g'omutonzi okwogeera nti tuyisibwa bubi? Nga ffe tetulina bwegaffu wakati waffe era nga tuyisa bubi bannaffe, nokunyoomagana? Buganda Government elina Ministry of Culture ssebo, eyo gyenjogerako nti wakiri twandiwulidde nga eyogeerako obwogezi nti abayimbi muyimbe ebintu ebizimba emyooyo gya bantu, okusinga okusaassanya oyo kazambi kafankunaye webintu ebibi kku kkono ne ddyo.

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by Meli - 2007/08/31 19:58

Ba jajja bagamba nti towemuliranga katugambe ku mawanga nga atalidda Buganda. Kitegeezaki? Jangu owemukire wano e Buganda? Kati kiringa ffe abaludde e Bweeru ffe Baganda benyini, abakavaayo, nabo abaliyo muli ba aliens!!!

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by Kalibattanya - 2007/09/01 00:14

Abakyala abo abali mu bufumbo basala batya emyaka eri ba bba baabwe? Bagenda okubawasa nga tebamanyi myaaka emeka gyebalina?

Yye abaffe, okukkiriza kwaffe olwo kuli ludda wa? Kuba kati olwokuba Buganda eri mu buzibu n'olwekyo ekkirizibwa okubeera nga tekyali na Buganda? Kati abantu abakula bwebanamala okukyaama bonna,nga bakyakuwulira ebituufu?

Nga bwekiri kati already, abasinga tebatembeka! Ate balowooza bamanyi bingi okusinga ensi yonna. Olwegyo emyeewano gyabayimbi ne bannkatemba. Balowooza ensi yaonna eri kku bbo efitina, "teyagaliza." Gyoba nti balina ebiraalo byente. Messages eziri negative nyingi nnyo, OBuganda butabufu!! Nga mukyalimu amaanyi mutandike abalina kyebamanyi okuyonja ekintu. Obuteerevu obwo bwenyini yeyali, yegenda okubeera, era yetweekwa okubeera bulijjo enjawulo y'oBuganda nebirala. Kirinde kiggweyo afumita mukira.

==========

Re:Obuganda tebukyalaba bantu kyenkanyi?

Posted by Kalibattanya - 2007/09/01 23:04

Kati nno waliwo oluyimba omwami omu lwayimba olugamba nti "Abaana bo basanyuse." Mbu kubanga bwolifa nga babagobaganya. Mbu bawe balye kubanga bwolivaawo tebalifuna naye balikkuta okumanya nti wabagala. Naye ddala butasiima bwa kika ki obwo? Omuntu ayinza atya mu nsi efuddemu abazadde abato millions era nebaleka abaana millions, omutali institutions za government zirabirira baana nga bano, okuyimba enyimba bwezityo? Majority yabaana abasinga obungi basoma bambala era balya! Essira telyandigenze ku kwebaza kwabo abaleezi abalungi okusinga okutandikira ku batono abeyeyisa obubi? Amawanga gano gajjudde abantu abaweerera abaana abo abaviibwako bakanywa birezi, bangi kubo tebazalanga nako. Yye alabika noyo omuvubuka omuyimbi yali mwana mubi, kubanga omwana omuteefu naye muzibu okubulwa addukiiriira. Abazadde bakuume abaana nga obwedda, bave ku kezaala kekombereera. Eri Abaganda abaddala, Omwana wa muganda abeera mwana wo. Nammwe abaana muyige okusiima, okwekubagiza okuyitiridde tekulina kyekuyamba, nokuloowoza nti mmwe musinga okulumwa okusinga abaazala nabazalibwa ne bazadde bammwe. Ebukojja banjagala nga adda ku nyoko waali!!!

==========